# Omwana gw'ossa ku mutimbagano genderera oba tebirimukosa mu biseera eby'omu maaso

Bya EMMANUEL SSEKAGGO




OMULEMBE guno gwe tulimu, omutimbagano n'emikutu emigattabantu byafuuka kitundu ku bulamu bwaffe naddala nga bateekayo ebibakwatako ate n'ebikwata ku bulamu mwe bawangaalira.

Kyokka oluusi mu ngeri eteri ya buvunaanyizibwa, abazadde abamu bateeka abaana baabwe ku mutimbagano nga bakola ebintu ebitazimba nnyo bulamu bwabwe nga bino bisobola n'okubaviirako okwejjusa mu biseera eby'omu maaso.

Omukugu mu nkuza y'abaana Amina Birungi agamba nti : Okuteeka omwana ku mutimbagano tekyandibadde kibi naddala nga ky'akola kirina ky'ekiyigiriza abalala ate nga tekityoboola buwangwa bwaffe.

Mu bino osobola okuteekayo omwana ng'afukamidde abuuza abantu abakulu, ng'asoma essaala awaka oba ng'asiimuula ennyumba. Kino kitegeeza nti, n'omwana omulala oba omuzadde bw'akiraba abaako ky'akiyigirako era n'akiyigiriza n'owuwe.

Ebintu bye tutanditadde ku mutimbagano ng'omwana akola, kwe kwolesa emisono naddala egitali gya buwangwa bwe, okugeza ng'omwana ayambadde obugoye obumpi, ng'asiize emimwa, ng'azannya emizannyo emibi n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo.

Mu ngeri y'emu abazadde tulina okuyiga enkola ey'okuteesa n'abaana baffe naddala nga tugenda okubateeka ku mutimbagano, singa omulaba ng'oyagala okumuteekayo ne yeesikamu, ekintu wandibadde teweekaka oba tomukaka kukiteekayo kubanga kiyinza obutamusanyusa.

Wano oba weewaze embeera y'omwana wo okukubuuza nti, kati 'kino wakola kya ki? Lwaki wanteeka ku mutimbagano nga nnyambadde obukete? Olaba naawe omukulu osobola okubaako ekintu ky'okola n'omala ne wejjusa oluvannyuma, naye ate omwana oluusi gw'okozesa ebintu nga n'okukkiriza takkiriza?

Tujjukire nti, omwana atannaweza myaka 18 mu mateeka aba tannatandika kwesalirawo, awo naffe nga tubateeka ku mutimbagano tulina okulaba nga bye tuteekayo tebityoboola ddembe lyabwe ate nga tebijja kubaviirako kwejjusa nga bakuze.

Embeera eno ebaawo singa omwana oba wakaka mukake okumuteeka ku mutimbagano, nga yakola ebintu byatawuliriramu mirembe. Kyokka singa oba bye wateekayo omwana yali abyagala, nga tebityoboola buwangwa era nga bizimba abalala naddala bato banne, aba tasobola kukuteeka ku nninga ng'akuze nti, lwaki wakola ekintu kino.

Ate bwemuba mwateesa nga bwe nakutegeezezza, bw'abaako kye yeemulugunya, oba osobola okumujjukiza obulungi nti, mmwakiriziganya. Ekirungi abaana abato tebeerabira era aba asobola bulungi okujjukira kye mwakkaanyaako.

Eri abo abaana be tuwadde amasimu era nga basobola okubaako kye bateekayo bennyini, twogere nabo okubalaga obulabe bwe bayinza okuba nga beetaddemu singa bamala geeteeka ku mutimbagano era nga buyinza okubaviirako okwejjusa mu biseera ebijja.


Amina Birungi